**10th May 2015.**

# OKUWANGULA OBUTAKKIRIZA.

**Yokaana 4:43 – 54.**

Ennaku ebbiri Yesu ze yamala n'Abasamaliya, oluvannyuma lw'ommusaba alweeko nabo bwe zaggwa, ne yeeyongerayo ku lugendo lwe yaliko, nga bwe twaabuulirwa mu lnny.3 mu ntandikwa z'essuula yaffe eno,…….nga kye tulaba mu kitundu kyaffe leero kabekasinge kwe kuba nti yali adda eyo gye bataamusseeko nnyo kufaayo (attention), ng'olunny. 44 bwe lugamba…….
Kyokka ate bwatuuka yo tugambwa mu lnny.45 nti……….. ekitujjukiza bwe gwaali mu ssuula 2:23, naye nga bwe gwaali, (lnny.24), era twaalaba nti Nikoodemo, yakiweera obujulizi. Naye nga bwe kiri, abo abakkiririza mu Yesu olw'ebyamagero, tebakkiririza mu ye mu butuufu, wabula bamukiriza kubakolera bye baagala, era bamunoonya lw'ekyo so ssi ku bubwe, abeere mu bulamu bwaabwe ng'omulokozi era Mukama…..
Kubanga nga bwe tulaba mu byawandiikibwa byaffe, okukkiririza mu bigambo, oba mu kigambo kya Yesu kyokka kye kireetera okumukkirizaamu mu butuufu, era nga bwe gwaali e Samaliya mu lnny. 42.

Na kaakano mu kitundu mwe tulabira Yesu ateebereza obutakkiriza bw'abeewuwe, (nny.43-45), n'agenda mu maaso n'asisinkana obutakkiriza buno(nny.46-49), era n'akomekkereza ng'abuwangudde (nny.50-54), kye tulina okwetegereza kwe kuba nti mu kufuba kwa Yokaana okukkirizisa abasomi be bonna mu Yesu Kristo ng'omwana wa Katonda ki baleetere era okusinga kituleetere okuba abalamu mu linnya lye, ajjayo ekyamagero eky'okubiri kw'ebyo omunaana bye yatugamba nti bwaali bubonero gyetuli obunaatuluŋŋamya eri ensonga eyo enkulu, era ne Yesu yalinga agamba abaamugoberera naddala Abayudaaya okumukkiririzaamu yabagambanga nti waakiri munzikiririzeemu olw'ebyamagero bye mulaba, kubanga nze kulwange era nkiraba nti bw'onookwaata ekyennyanja mu ddobo lyo lw'onoosobola okukirya, n'olwe'kyo, nga bibasise gyaali baalina okumuwuliriza, amazima ge gabakyuuse, kubanga ebikolwa ssi bye birimu amaanyi agakyuusa wabula ekigambo kye mwe muli amaanyi agalokolera ddala oli n'aba n'obulamu

obutaggwaawo, ng'oli atuusibbwa mu kukkiririza mu linnya lye lyennyini, ng'Abasamaliya bwe baagamba…. "Omulokozi w'ensi".

Ekyo tukiraba ne mu kyamagero ky'okuwonyezebwa kwa mutabani w'omukungu ono…..mu lnny. 50 Yesu amugamba………. Ate ne mu lnny. 51…………., era nekireetera ab'ennyumba ye bonna okuba abalamu olw'okkukiririza mu linnya lya Yesu, kubanga tulaba obutakkiriza bwe bwe bwagenda buwangulwa mutendero ku mutendero, okutuusa lwe yafuuka omukkiriza.
Oba tukitwaale nti okukkiriza kwe bwe kwagenda kw'engera okutuusa bwe kwaabaza ebibala by'okuddamu eri obwetaavu bwe bwonna bwe yalina, awamu n'abenju ye.

Na bwekityo bwe kisaanidde ottubeerera eri okukkiriza kwaffe mu Mukama, nti bwe tuggya gyaali mu bwetaavu, olw'okumukkiririzaamu okusobola obbusisinkana, mu butuukirivu bw'ekigambo kye nti buli amukoowoola amulokola, tulina okumutwaala okusinziira ku kigambo kye ne tumugoberera mu buwulize okuba omulokozi era Mukama w'obulamu bwaffe, olwo ne tuba ddala abalamu mu linnya lye kubanga omwo mwe muli obumativu bw'obulamu obwa nnamaddala.
Kubanga nga bwe tuzze tulaba nti Mukama buli omu amusisinkana ku nsonga y'obweetaavu bwe yennyini, na bwekityo buli omu Mukama amusisinkana ku ddaala ly'okukiriza kwe gyaali, asobole omuyingiza mu butuukirivu bw'okumukkiririzaamu, kubanga eyo y'ensibuko y'okuba abalamu mu yye.

*Obujulizi bwange……..*